


Akatale k'e Nateete. Mu katono, ye Nuwe Abiine.

## Kye bagamba



**Abdul Nakalaali:** Okuva edda abasuubuzi balonda abakulembeze era bwe baba bakkiriziddwa ekyo kirungi ate KCC tessaamu buwaayiro.



**Adam Kyazze:** Engeri etteeka gye lyakolebwa, kituufu balonde abakulembeze baabwe obutale buveemu entalo.



**Bonny Kabugo:** Okulonda kwandibadde kulungi naye ate ewaffe e Nateete tusinga kwagala bwannannyini bwa ttaka lya katale.

# KCCA erangiridde okulonda kw'abasuubuzi mu butale bwayo

Bya HANNINGTON NKALUBO

KCCA etandise okulondesa abakulembeze b'abasuubuzi mu butale bwayo 17 n'esaba abaagala ebifo bakwetabemu balondebwe.

Mu tteeka eppya erifuga obutale, KCCA y'erina obuyinza okulondesa obukulembeze bw'abasuubuzi mu butale bwayo kyokka liragira kulondesa bukulembeze bwa bitongole (departments) mu katale.

Okugeza abasuubuzi bwe bakola omulimu ogumu okugeza abatunda ennyaanya be batuula ne beerondamu obukulembeze. Abakulembeze b'ebitongole ebyo bonna bakiika wa ssentala w'akatale asindikibwayo KCCA.

Etteeka lyaggyawo okulonda ssentebe w'akatale okutwala abasuubuzi bonna ne lireetawo ssentala alondebwa KCCA. Kino abasuubuzi baasooka kukiwakanya naye olw'okuba etteeka lyatandika dda okukola, kati KCCA ky'ekola.

Omwogezi wa KCCA, Dan Nuwe Abine yagambye nti, okulonda kwatandise wiiki ewedde era obutale obumu bwamalirizza naye obulala bakyagenda mu maaso.

"E Nateete, Busega, Nakawa twamalirizza era abaalondeddwa baakufulumira ku lukalala babategeere," Nuwe Abine bwe yagambye.

Yategeezezza nti, abasuubuzi be balonda abakulembeze be baagala nga KCCA y'ebakubiriza era enteekateeka egenda mu maaso. Yagasseeko nti, abaagala okukulembera, beesimbewo babalonde.

Omu ku bakulembeze mu katale ka USAFI, Mohammed Ssegwanyi, yasiimye enteekateeka z'okukkiriza abasuubuzi okwerondamu ababakulembera n'asaba buli musuubuzi yeenyigire mu kulonda bamalewo entalo.

Yagambye nti, okulonda tekunnaba kubeeramu mivuyo kuba etteeka lirambika bye bateekwa okugoberera nga balonda.

Wabula abamu baabadde bawakanya okulonda e Nateete ng'abasuubuzi bagamba nti, omugagga Augustine Shaka yakagula nti, KCCA esooke emusasule bategeere nti, tagenda kubagobawo balyoke badde mu by'okulonda.

Wabula KCCA bano teyabawulirizza, okulonda ne kutegekebwa.